# KCCA ewonye enkalamata

Bya HUSSEIN BUKENYA

SSENTEBE wa KCCA, Ying. Andrew Mukiibi Sserunjogi atenderezza kkampuni ya Crown Beverages Limited ekola amazzi ga Nivana okuteeka ettoffaali ku ttiimu yaabwe.

Kiddiridde kkampuni eno okukola endagaano ne KCCA FC okugiwa amazzi gonna ge yeetaaga okumala omwaka mulamba. Omukolo guno gwabadde mu maka ga KCCA FC e Lugogo ku Lwokuna.

Sserunjogi yategeezezza nti amazzi geetaagisa nnyo kuba omulimu gwonna omuli okutuuyana gwetaaga okunywa ennyo nga kino kigenda kuyamba ttiimu yaabwe okukola obulungi.

Sserunjogi agamba nti mu ndagaano yaabwe aba Nivana bagenda kubawa amazzi ga ttiimu enkulu mu kutendekebwa ne ku lunaku lw'omupiira ssaako ne ttiimu ento n'emikolo emirala egikwata ku ttiimu eno.

"Tusiima kkampuni eno okuteeka ssente mu mizannyo naddala mu mupiira kuba si buli alina ssente nti aziteekamu era aba Nivana mwebale okubeera n'omutima gw'emizannyo," Sserunjogi bwe yategeezezza ku mukolo ogwabadde mu Kampala ku Lwokuna.

Akulira emirimu mu ttiimu eno, Anisha Muhoozi yagambye nti basanyufu nnyo kubanga bali mu lutalo lwa kuwangula kikopo kya liigi sizoni eno nga buli kintu kya mugaso nnyo era amazzi gano gagenda kubayamba.

"Nivana etukoze bulungi kuba amazzi kintu kikulu nnyo. Tubadde tugateekamu ssente nnyingi nnyo nga kati ke gavuddeko, zigenda kudda mu bintu ebirala ebiyamba kiraabu okukula," Muhoozi bwe yategeezezza.

Akulira ebya kitunzi mu kkampuni ya Crown Beverages Limited, Rogers Anguzu yasiimye KCCA okukkiriza enkolagana eno n'ajuliza nti ttiimu erina obukulembeze obwesigika ate nga ya linnya.




Ssentebe wa KCCA FC, Ying. Andrew Mukiibi Sserunjogi (ku kkono) ng'addiriddwa kitunzi wa Nivana, Rogers Anguzu n'abakungu be. Ku ddyo, ye CEO wa KCCA, Anisha Muhoozi.